
# BUUZA OMUSAWO

## Uganda ne w'etuuse ku kulwanyisa siriimu



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission

**UGANDA etuuse wa mu kulwanyisa akawuka ka siriimu?**
Uganda enokoddwaayo mu nsi yonna ku ngeri gy'etambuzaamu kaweefube waayo ow'okumalawo ekirwadde kya siriimu.
Okumalira ddala ebyasa ebisukka mu bisatu (3) Uganda ebadde nsaale mu bukulembeze obukubiriza abantu okulwanyisa siriimu, ate nga kyakulabirako kirungi ekiyambye siriimu okukendeera mu bantu.

**Mutuuse wa mu kulwanyisa akawuka ka siriimu akapya?**
Akawuka akapya aka siriimu kakendeeredde ddala ate ng'era Uganda ekyali ku mulamwa gwe gumu ogw'okumalawo siriimu we tunaatuukira mu mwaka gwa 2030.

**Naye Uganda obuwanguzi buno ebutuuseeko etya okulaba ng'enokolwayo mu nsi yonna?**
Obuwanguzi buno Uganda ebutuuseeko ng'ekolaganira wamu n'abakulembeze okuli omukulembeze w'eggwanga Yoweri Museveni ne mukyala we Janet Museveni abeenyigidde mu kampeyini eno.

Muk'omukulembeze w'eggwanga Janet Museveni kampeyini eno ey'okulwanyisa akawuka ka siriimu agyenyigiddemu atya?
Minisita Janet Museveni omulamwa gwe gwali gwa kulaba engeri abakyala bwe bayinza okuzaala abaana nga tebabasiize kawuka ka siriimu (PMTCT), era nga kaweefube ono ayambye abakyala n'abaana wakati mu kulwayisa akawuka mu nsi yaffe.

**Ekitegeeza tewakyali mwana akwatibwa kawuka nga bwe kiri nti, omulanga gumaze okubuna ensi yonna?**
Si bwe kiri, wadde nga obuwanguzi buno tubutuuseeko Uganda ekyagenda mu maaso n'okuwandiika abaana abato abalina akawuka abatakka wansi wa 4,000 buli mwaka.
Ebirala birinde Olwokuna olujja.
**Alina ekibuuzo kyonna kiweereze ku nnamba ya ssimu : 0751 363774**